**P360/2**

LUGANDA

Paper 2

June 2019

# LUGANDA TEACHERS' ASSOCIATION

*(UACE)*

**Okukyusa, Okuwandiika Emboozi, Okusoma Bwino N'okufunza**

**Essaawa ssatu (3)**

**Ebigobererwa:**

- *Olupapula luno luganyiziddwamu ebitundu bina:* **A, B, C** *ne* **D**.
- *Ebitundu* **A, C** ne **D** *bya buwaze.*
- *Mu kitundu* **B**, *oweereddwa eby'okulondako by'oyagala okuddamu.*
- *Ddamu nga bw'olagiddwa mu buli kitundu.*

**EKITUNDU A**

*Ddamu* **1 (a)** *ne* **1 (b)**

**1 (a)** *Kyusa ekitundu kino okizze mu Lungereza* **(Obubonero 15)**

**OKWEYIMIRIRWA DDEMBA LYA BULI AKWATIDDWA**

Ennyingo 23(a) eya Ssemateeka wa Uganda ewa buli muntu avunaanibwa eddembe ly'okweyimirirwa singa aba atuukirizza ebisaanyizo by'okweyimirirwa. Ekkooti okusalawo omuntu oyo okweyimirirwa esinziira ku bino:

Oludda oluwaabi bwe luba nga terunnakakasa nti avunaanibwa ddala alina omusango, kiba tekikola makulu kusindika muntu oyo ku alimanda. Omuntu alina okulaga Kkooti nti alina w'abeera era w'asobola okusangibwa singa aba nga yeetaagibwa.

Alina okuba n'abayima abamweyimirira, nga bano babeera mu kitundu Kkooti ewozesa omusango ky'etwala. Abayima bano balina okuba n'ebiwandiiko ebiboogereako, gamba ng'ebbaluwa za LCI ne densite. Kkooti esobola okukkiriza omuntu okweyimirirwa singa aba mulwadde oba ng'akuliridde. Ebyo bwe bituukirizibwa Kkooti emuwa okweyimirirwa, ng'asasula omusingo oba obutasasula.

*(Kisimbuddwa mu GGWANGA Lwakutaano-Lwakusatu, Ssebaaseka 2010)*

**1(b)** *Kyusa ekitundu kino okizze mu Luganda* **(Obubonero 15)**

**CHOLERA IS PREVENTABLE**

Outbreaks of Cholera have been reported in different parts of the country and yet the disease can easily be prevented by observing simple hygiene. Cholera is a deadly diarrhea causing disease. It causes sudden and serious passing of watery stool and vomiting. This leads to rapid loss of water from the body, weakness and death. Sometimes, this happens within three to four hours if the sick person is not treated promptly.

Cholera is caused by germs, transmitted from someone infected by the disease, through drinking water containing the stool or vomits of the sick person and later touches food, water or cooking and eating utensils such as plates without washing their hands.

Other sources of Cholera infection are raw or poorly cooked fish and other sea foods, raw fruits and vegetables as well as other foods that have been contaminated by cholera germs during preparation or storage. In the city, cholera spreads very fast because of poor drainage especially in slums.

*(Adapted with minor modifications from UNEB QUESTIONS AND ANSWERS (1993- 2009), by Ronald Mukiibi Sserunjogi).*

## EKITUNDU B

*Kola* **2(a)** *oba* **2(b)**

2 (a) *Ku mitwe egikuweereddwa wammanga, londako gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo nga 400.* **(Buli mutwe gwa bubonero 30)**

i. Atega ogumu taliira.

ii. Wandiika emboozi nga esembyayo ebigambo bino: '....... era emiggo egyamukubibwa ku lunaku olwo alifa agirojja.'

iii. Omukyala Omuganda mumativu ku kifo kye mu byobuwangwa bw'Abaganda. Kubaganya ebirowoozo.

iv. Lwe nasooka okukyalako mu kibuga.

**Oba**

2 (b) *Ku mitwe egikuweereddwa, londako ebiri buli gumu oguwandiikeko emboozi nga bw'olagiddwa.* **(Buli mutwe gwa bubonero 15)**

i. Obadde omu ku beesimbyewo ku bwa Ssentebe bw'ekyalo n'owangula era otegekedde abalonzi akabaga. Wandiika okwogera kwo. (*Kozesa ebigambo nga 200*).

ii. Oli mukulu wa kitongole ku ssomero era waliwo omuyizi wo anoonya omulimu. Muwandiikire ebbaluwa emusemba. (*Kozesa ebigambo nga 150*).

iii. Oguzizza munywanyiwo emmotoka. Muwandiikire endagaano. (*Kozesa ebigambo nga 150*).

iv. Oyitiddwa ku laadiyo okusomesa abantu ku ngeri y'okuziyiza omusujja gw'ensiri. Wandiika by'onooyogera. (*Kozesa ebigambo nga 200*).

## EKITUNDU C

3. *Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.* **(Obubonero 20)**

**Abazungu engeri gye baayigirizaamu Abaganda okuwandiika olulimi Oluganda**

Omugenzi Pulofeesa Walusimbi yafuna ettutumu mu lulimi Oluganda era y'omu ku basomesa abaapikiriza Gavumenti lutandike okuyigirizibwa mu masomero ga pulayimale ne sekendule. Wabula bwe yatandikanga okunyonnyola engeri Abazungu gye baaluma n'ogw'engulu okuyigiriza Abaganda okuwandiika olulimi lwabwe ng'osobola okufa enseko. Ye obadde okimanyi nti bingi ebiri mu mpandiika y'Oluganda entongole byaleetebwa Bazungu, Abaganda abagezigezi abaaliwo mu kiseera ekyo ne babikolamu amateeka agagobererwa ennaku zino? Walusimbi bwe yatandikanga okunyumya n'okwogera nga toyagala amale, ate nga yali munyumya mulungi ow'emboozi ewedde emirimu okufaananira ddala ne bajjajjaffe ab'edda nga bwe baazikookanga. Walusimbi yali mubaka wa Kabaka akiikirira olulimi Oluganda mu lukiiko lwa Buganda. Mu myaka gy'ensanvu ng'ali wamu n'abagenzi Dr. M..B. Nsimbi ne E.K.N Kawere baatandika kaweefube w'okuyigiriza Oluganda mu masomero. Ebitabo bingi ebikubiddwa wamu n'empapula z'amawulire zeenyumiririza mu musingi omulungi ba Walusimbi gwe baawa olulimi Oluganda. Walusimbi yamala ebbanga ddene ng'asomesa ennimi wamu n'olulimi Oluganda ku Yunivaasite. Ye yasooka okukulira Yunivaasite ye Ndejje mu 1994. "Mmanyi ennimi nnyingi ennansi kyokka Oluganda gye lukoma okuba olwangu, gye lukoma n'okukuba bangi ekigwo olwa kalonda w'amateeka g'olulimi", nga bw'atyo Walusimbi bw'atera okwogera.

Ekinogezi kye yafunanga mu Luganda kye kyamutwala ne ku laadiyo CBS okulwogera buli ssande mu puloogulaamu y'olulimi Oluganda. "Okuba omuyigirize tekikuggyaako nnono n'obuwangwa bwo. Ye kiki ekisinga okulaga obuyigirize bw'omuntu okusinga eky'okumanya olulimi ko n'obuwangwa bwo?" bw'atyo Walusimbi bwe yateranga okubuuza. Era yagambanga nti omuvubuka yenna awezezza emyaka ekkumi n'omunaana yandibadde asobola okulambika obuzaale bwe, nti era kino kyandibadde kikyaliwo nnyo singa obuyinza tebwaggyibwa ku Kabaka ne buzzibwa mu bantu nti kino kye kiremesezza ennimi ennansi n'ebyobuwangwa. Enkola eyo ettatanye ebyobuwangwa so ng'ate ne ssemateeka akirambika bulungi nti ddembe lya buli muntu okumanya, n'okukulaakulanya olulimi n'obuwangwa bwe.

Walusimbi bwe yali asoma mu Busoga College Mwiri, ku baamusomesa Oluganda tekwali Muganda wabula Omusoga n'Omuzungu Robinson, eyamuyamba ennyo mu ggulama w'Oluganda, okufunza emboozi

n'okuzikyusa okuziggya mu nnimi endala okuzizza mu Luganda. Ate Abasoga baamuyigiriza empandiika eyatongozebwa mu 1947. E Mwiri ye yali akulira abayizi Abaganda. Mu 1957 yasoma obusomesa mu Kyambogo TTC ng'ayambibwako M.B. Nsimbi. Yasomesaako mu Wampeewo J.S.S ne Lubiri S.S. mu 1961 yasoma ebyennimi mu Yunivasite y'e Leceister.

(*Kyesigamiziddwa ku Bukedde, Lwakubiri July 2002*)

**Ebibuuzo:**

a. Omuntu yenna okuyitibwa omuyigirize ddala yandibadde ategeererwa ku ki? (*Obubonero 2*).

b. Nyonnyola ensonga enkulu esinze okuttatana olulimi n'ebyobuwangwa bw'Abaganda. (*Akabonero 1*).

c. Menya abantu basatu okuva mu kitundu ky'osomye era onyonnyole engeri gye balwanye ennyo okukulaakulanya Oluganda (*Obubonero 6*).

d. Menyayo ebyafaayo bisatu ebyekuusa ku ntandika y'olulimi Oluganda nga bw'etaali nnyangu mu masomero. (*Obubonero 6*).

e. Leetayo emirimu egy'enjawulo etaano egyekuusa ku nkulaakulana y'olulimi Oluganda Pulofeesa Walusimbi gye yeenyigiramu. (*Obubonero 5*).

f. Buwanguzi bwa ngeri ki obutuukiddwako olulimi Oluganda okuva bwe lwatandika okusomesebwa? (*Obubonero 5*)

g. Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe byeyambisiddwa mu kitundu ky'osomye: (*Obubonero 5*)

i. Ettutumu
ii. Baaluma n'ogw'engulu
iii. Baazikookanga
iv. Kalonda
v. Ettatanye

## EKITUNDU D

**4.** *Funza ekitundu kino mu bigambo nga* **100**. **(Obubonero 20)**

Kazzi ku mulundi guli emboozi yali y'e Kasokoso mu Bibbo? Ku luno nkuleetedde y'e Kaabyuma era ntandise. Ggwe alowooza nti okijjanyizibwa weebuuze ku mwana mulenzi Biide, ow'emyaka e 16 gyokka. Biide mutabani wa muzeeyi Lubyogo ow'e Kaabyuma mu Gomba. Ate nno ajjukira amangu oyinza okuba nga walowoozezza dda nti ngamba oli Lubyogo Opyuma eyakyaka ennyo olw'okufuuwa enjaaye. Ky'ekyo kyennyini. Ye wuuyo Lubyogo eyassa abangi enseko olw'obujogoli bwe yakolanga ng'amaze okukommonta 'enjaga! Lubyogo ono emirimu gye yasooka kugikakkalabiza mu kibuga. Emirimu yali agifunyeemu kyokka n'agenda agwirwa ekimbe ky'okwewola n'okulyazaamaanya!

Munnange wadde enjovu teremererwangako masanga gaayo, ku luno lwagaana okutuukirira. Anti olw'amabanja amangi, Lubyogo yasalawo ateekeko kakokola tondeka nnyuma, ekiwejjowejjo Kaabyuma. Kyokka Omuyindi atasiba zikweya yasalawo poliisi enkessi waakiri emuwenje e Kaabyuma. Munnange eby'embi, olw'okuba poliisi yali ya ku kibuga, Kaabyuma baali tebamwesa bweso era endagiriro yabasibiza wa muliraanwa wa Lubyogo! "Baani abo?" Anti olwo Lubyogo abalengedde. Nkugambye olwakikakasa nti poliisi, olusuku lwe lwamweyimirira!

Akabaate tekabulako musombi naye ne poliisi yakasombera Biide anti okuva olwo muzeeyi we Lubyogo yamufalaasira okulondoolanga buli mmotoka eba eyise ku kyalo, oluusi agigobeegobengako alabe gy'esibidde! Bw'atyo Biide ng'atandika kkatala lye, era lyali terigenze bubi okuggyako lwe baali baakasosootola ne wawulirwa eddoboozi ly'emmotoka.

Munnange muzeeyi Lubyogo kyazira kulaba Biide nga yeesisiggiriza, n'alyoka amubwatukira nti, "Ggwe eddoboozi ly'emmotoka toliwulidde? Genda mangu ogirondoole olabe ky'eyagala. Ate todda nga tennayitawo kudda gy'evudde". Ka bambi olwo ekyemisana kaakifuuwa mu ngombe! Ate nno emmotoka edde, wa, kaalinda kutuusa kiro nga buteerere! Ka kitawe nga kasala ga kwemulula kudda ka nga Kaboggolera takalabye. Ekiseera nga kyetoolodde era nga ababanja Lubyogo batandise okubivaako, olwo ate musajjamukulu n'attukiza omweze gwe ogwamuddusa ku kibuga. Yatandika okwewolanga ku Kaabyuma n'ebyalo ebiriraanyeewo! Kale laba ate luno lwe yasalawo yeewole ku Ntooni eyali abeera kumpi emitala ena okuva e Kaabyuma. Ekyo nno oba tekyandibadde kibi naye ate okuzuukusa kasajja kattu ka Biide eyo mu ttumbi olw'okuba ye Lubyogo yalaba omwezi guyiseemu nnyo mu butuli bw'ebbaati!

Nga bw'omanyi otulo tw'abato, ka ssebo kaawulira ng'akaloota nga Lubyogo akayise. Kuno kwali kwetyabira kalimu buwuka kubanga Lubyogo yava mu kisenge kye n'alyoka akayisaako ow'e Mbuya, okusiba nga kali bweru. Olw'okusooka okwesisiggirizza n'akagaali yakamumma n'amugamba atambuzeewo bigere nga ekibonerezo, okugenda okunona ensimbi enneewole! Naye era nga bw'omanyi obuyiiya bw'abaana, olw'okutya mu kkubo kaasalawo ne kakoma awo mu masanganzira, ne kakyusa okusiba mu ffumbiro. Kyokka eno kaasangayo omugenyi ataalaze, anti ne nkulabira embaga ya Biide ne wambwa.

Wambwa yabuuka enkoto, atomedde Biide a a a.. ne byolera, kyokka yagenda yeemulugunya. Bide ye yasooka n'awunganu kyokka n'atya okuwoggana abaali mu nju okumuwulira. Bw'atyo ng'asikira wambwa, ekyaddirira kufuluuta. Kyokka buba bukya Lubyogo n'akizuula nti obudde bwali bukyali we yatumira Biide, kwe kusalawo awondere alabe omwana kye yabadde. Kyamubuukako obutamusanga mu kkubo ate ne gye yamutumye nga tannatuuka. Yazza gya mbwa n'agafuuwa kabiite we, ate laba ye bw'atema obutemi omulanga ogwazuukusa ne Biide. Bide yamanya nti obubwe bukomye, era kye yava alinnya ekibanyi yeekweke. Kyokka omuti kwe yeekwata gwamanyeka bumenyesi n'agwa mu masiga, mwe yasooka evviivi eryafootola eggolu eryali livumbikiddwamu lyonna ne libuna evvu! Olaba abaali bakaaba bwe bajja balabe ekigudde ne batuukira ku Biide!!

**BIKOMYE WANO**